# KCCA yaakufaafaagana n'abata kazambi n'akulukutira mu myala gya Kampala



Dr. Zalwango ng'atunuulidde abaana abaasangiddwa nga basema amazzi mu luzzi olutali luyonjo mu Ssembuule zooni e Kabowa.

Bya ERIA LUYIMBAZI

KCCA erabudde bannannyini mayumba mu Kampala abaagufuula omuze okuta kazambi okuva mu kaabuyonjo zaabwe n'akulukutira mu myala nti egenda kubakwasa maanyi.

Akulira KCCA, Hajjati Sharifa Buzeki yagambye nti waliwo abantu aboolesa obulagajjavu ne bata obucaafu omuli kazambi n'amazzi agava mu binaabiro n'akulukutira mu myala, ekintu eky'obulabe kuba kye kimu ku kiviirako okusaasaana kw'endwadde ng'ekiduukano. Yabadde mu Ssembuule A ne Nakayiza Zone mu Muluka gw'e Kabowa ng'akulembeddemu enteekateeka ya *'Weeyonje'*.

"Ndabula abazimba okumpi n'emyala, abagufudde omuze okuta kazambi n'akulukutira mu myala bakikomye kuba tugenda kutandika okulondoola emifulejje n'emyala okuzuula abakola kino era anaakwatibwa waakuvunaanibwa," Hajjati Buzeki bwe yategeezezza.

Yagambye nti emyala girina okutwala amazzi ag'enkuba n'ago agava mu nsulo z'enzizi kyokka abatafaayo ku by'obuyonjo basalawo okuta akazambi ava mu kaabuyonjo zaabwe n'akulukutiramu eky'obulabe eri abatuuze abalala.

Yagambye nti okukuuma obuyonjo, abantu basaanye bafune obudeeya mwe bakuŋŋaanyiza kasasiro era bamwawule avunda abeere yekka n'atavunda bamuteeke mu kadeyeeya akalala era baleme kumusuula mu myala oba okumuteeka mu bifo ebitakkirizibwa.

Akulira ebyobulamu mu KCCA, Dr Sarah Zalwango yagambye nti Kampala mu kiseera kino avaamu ttani za kasasiro 1900 buli lunaku.

Ssentebe wa Ssembuule B, yategeezezza nga bwe balina ekizibu mu kitundu kyabwe eky'obutaba na kaabuyonjo zimala n'asaba KCCA okubayambako okubazimbira ez'olukale kuba waliwo ezaalimu, emu n'eggalwa ate endala n'ejjula nga kati abantu abamu tebalina we bagenda.

## Bannakampala bateesezza



Jane Nakitto: Obuyonjo bukyabulamu nnyo naddala okugogola emyala n'okuyoola kasasiro kuba abantu baagala okweyonja naye mmotoka ezirina okutwala kasasiro zirwawo okujja.



Richard Kibirige: Singa KCCA bw'egogola emyala ebivuddemu ebitwala okusinga okubirekako kuba enkuba bw'etonnya nga biddamu nga gizibikira. Okugogola kubeere kwa buli kiseera.



Adam Bbuule: Abantu bafeeyo ku buyonjo era bakomye okusuula kasasiro mu myala, obucaafu bujja kukendeera. KCCA esseewo we bamukung'aanyiza w'ebeera emusanga.